# *Ebusukka Ggigi Ly'Ebiseera*

Njagala okulangirira wano nti essaala zammwe zaayanukuddwa, twabadde enkuŋŋaana nga ze twalina bwe nnali nnaakayingira mu buweereza, emyaka mingi egiyise. Ssibeerangako. . .Twetwalina na wa kutuuza bantu. Ate nga twagezaako okufuna ebibangirizi omukolerwa emyoleso n'ebifo ebirala ebitali bimu, naye zaagendanga okuwera essaawa mwenda ez'olweggulo, nga abantu ekifo baakijjuzza dda. Nga balina okuggalangawo enzigi, obutabaako balala be bakkiriza kuyingira munda. Tetwasobolanga kubeerayo nga tezinnawera ssaawa emu ey'akawungeezi. Mukiraba? Nga enkumi n'enkumi z'abantu beeyiwa okuva mu buli kanyomero. Nga. . .

2 Era nnakozesa ebiro ebitaano ebyasembayo mu lukuŋŋaana olwasembayo, ne nzimba nga nneetooloolera ku Kigambo, ne batandika okutegeera amaanyi agali mu Kigambo. Mukiraba? Kubanga, Ekigambo ye Katonda. Mukiraba? "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo n'ayambala omubiri n'abeerako gye tuli."

3 Kati, Abaebbulaniya 4 wagamba nti, nti, "Ekigambo kya Katonda kyogi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri." Mukiraba? "Ekigambo kya Katonda kisala okusinga, n'okwawula ne kyawula amagumba, era kisala, era kitegeera ebirowoozo by'omu mutima, omutima." Mukiraba? Ekyo kye, Ekigambo kya Katonda.

4 Kale nga bwe waliwo ekirabo kwe tusobola okuwummulira; olwo Ekigambo, Kyennyini, nga ye Kristo, Oyo Kigambo, n'ajja muffe, n'ategeera ebirowoozo by'omu mutima, nga bwe mukirabye. Mukiraba? Nga kirungi nnyo. Kale, okulaba bye Yakola n'engeri gye Yatuwaamu omukisa! Era kati e. . .

5 Ekyo, ekyo nnakiwulira, nga nkizimba okwetooloolera ku Kigambo okumala ebiro bina, ne ndeka abantu ne batuula ne bakkalira, ne batebenkera, nga Omwoyo Omutukuvu bw'ayitayo abantu n'okubaako by'akola mu kibiina.

6 Era ekyava mu ekyo, akawungeezi akaasembayo, ku lw'eggulo lwa Ssande eyasembayo, nnalaba olumu ku nnyiriri ez'okuwonyezebwa ez'amaanyi ze nnali ndabyeko mu Amerika. Mukiraba? Zaali. . .Nnasindika Billy nga alina kaadi kikumi, ne Gene kikumi, ne Leo kikumi, ne Roy kikumi, era kaadi ezo zonna ne bazigaba, kaadi nga ebikumi bitaano. Era bwe baamala okulaba Ekigambo nga kisimbye amakanda, ne bye Kisobola

okukola, ne beekwata ku Kigambo ekyo ne bakyenywerezaako, ne mbalinnyisa ku katuuti. Ne ndaba abasajja n'abakazi nga basuula eri emiggo gyabwe egy'abalema, n'ebirala, ne bawonyezebwa nga tebannatuuka na ku kituuti, nga ndaba bwe nti. Mukiraba? Ekigambo kya Katonda kyali kifulumye, ne kigenda wabweru eyo, ne Kiyingira mu Bubaka obwo obw'emirundi etaano, manya mu Bubaka obw'emirundi ena, ne bunnyikira mu mitima gyabwe, okutuusa lwe baakikkiriza n'omutima gwabwe gwonna. Ne baba, nga okuva awo ekintu kyokka kye baalina okukola, kwali kubaako kintu kwe basinziira, mukiraba, ekintu kyonna, nga kya nnamaddala. Era olwatuukanga ku katuuti ekyo bwe bati, baawonyezebwangawo awo wennyini ku kituu-. . . nga tebannatuuka na ku katuuti.

7 Nzikiriza, ab'oluganda abali wano, mwenna mumanyi Ow'oluganda Ed, Ow'oluganda Ed Hooper. Si bwe kiri? Oviira mu Arkansas, emmanga eyo? Yansisinkana. . . Yali nange mu biseera ebyasooka eby'obuweereza obwasooka. Yagamba nti, "Kino kiringa eky'omu biseera eby'edda," n'agamba nti, "we baabeereranga nakyo, emyaka mingi egiyise."

8 Era waaliwo abantu abaalina ebizimba ebyali—ebyali byenkana nga *awo* bwe bityo abaakomangawo, nga bawonye. Abazibe b'amaaso, bakiggala, bakasiru, ebintu ebya buli ngeri Mukama waffe bye yakola. Awatali yadde okukwata ku bantu. Wabula nga Ekigambo kye kigenda mu maaso ne kikikola.

9 Oluvannyuma Mukama n'ampa Obubaka bwe njagala okwogerako mu kkanisa, olumu, bwe ndiba nkomyewo, ne nfuna akakisa. Nnina eby'okukola bingi nnyo. Kaakati nnina okuddamu okugenda, enkya, nninze muwala ono kujja. Naye ne bwe nnabadde sinnayingiza ssanduuko yange ey'engoye mu nnyumba, waliwo eyabaddewo. Era, kyenkana ssinnatuulako wansi nnaakatuukira. Mukiraba? Ssinnaba na kwogerako na ba mu maka gange nnaakakomerawo. Mukiraba? Kale ki—kikooyeza ddala. Era nammwe, mwenna njagala okubasaba essaala zammwe, Mukama annyambe nnywere.

10 Kati. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Tulaba muganda waffe ono wano, mulwadde, nnyo, nnyo, agalamidde ku katanda kano. Era tu. . .

11 Waliwo n'eyazze, akaseera katono akaakayita, nga ayagala, tugende mu Louisville. Era nange, njagala mujjukire essaala, y'omukyala omuto omulungi, atannaweza na myaka kkumi na munaana. Mulongo, era muwala Omukristaayo ali mu ssomero. Naye abawala bali abalala baamwogerangako, nga bwe mumanyi, abawala bano ababiri, ne babagamba bye bali, n'obulamu bwe basubwa, ne bwe balina okutambuzaamu obulamu nga abawala abalala abasigadde. Naye omuwala omu yasobola okukiwangula. Ate ono omulala ye kyamuyisa bubi, n'awulira bubi nnyo ddala, n'abeera nga yeeyongerayo,

n'ayongera okuddirira, nga bwe kimweraliikiriza. Era ekyavaamu yafuna obuzibu ku bwongo. Era ba. . .Ali mu waadi y'abatabufu b'emitwe. Kitaawe ne nnyina bajja, mu kaseera katono, okuva mu Crandall, Indiana, okugenda mu ddwaliro ly'abatabufu b'emitwe lino gye banaava bamusindike, ku Madison, olunaku lw'enkya.

12 Kati, o—omuwala oyo, talina buvune bwonna mu mubiri. Ali. . .Talina buzibu bwonna, mu mubiri gwe. Mulamu bulungi nnyo. Naye kizibu nnyo okukinnyonnyola. Era eky'amazima tekiyinza kunnyonnyolwa. Kye kiri kiri nti, omwoyo gwe gwabuungeeta. Mukiraba? Kaakati, o—olina okukwata omwoyo gwe n'ogukomyawo mu kifo we gulina okuba. Mukiraba? Waliwo. . .

13 Nga, bwe twakamala okwogera wano, wiiki ntono ezaakayita, ku ngeri enkola y'omubiri gw'omuntu gy'ekolamu. Nga bwe waliwo obusimu butaano obutuyamba okuyingira eri omubiri, n'emikutu etaano leka tugiyite bwe tutyo. Mu mikutu etaano, omuli o—okutegeera, okufumiitiriza, n'ebirala, mwe tuyita okuyingira eri emmeeme. Ate bw'omala okuyingira mu mwoyo, waliwo omukutu gumu gwokka, nga ogwo kwe kuyita mu kwesalirawo, nga bwe kyali edda eri omuntu bwe yatondebwa.

14 Osobola okukisembeza, oba osobola okukireka ne kiyitawo. Osobola okukkiriza Kristo okuba Omulokozi, oba okumuleka n'otamukkiriza. Era okyali ku mabbali ga Muti guli, nga ogumu gwa Bulamu ate omulala gwa kufa. Buli muntu yenna ali ku mabbali ga Muti ogwo, bwe kitaba bwe kityo Katonda teyandibadde mwenkanya okubaako omu gw'ateekawo, ate oli omulala n'atamuwa kakisa ke kamu o—okwesalirawo wakati w'ekirungi n'ekibi. Era buli omu ku ffe alina omukisa ogwo.

15 N'ekirala, munda omwo, mu mwoyo, tusobola okuwonyezebwa, oba tusobola obutawonyezebwa. Kati, tekibeera nti tewali. . .nti tubeera tetuwonyezeddwa kusinziira ku Katonda. Tubeera tuwonyezeddwa. Kubanga endagaano teriiko kakwakkulizo konna. Era Yasasulira dda okuwonyezebwa kwaffe. N'olwekyo, okuwonyezebwa kwaffe kuli—kuli gye tuli. Kwaffe. Kati, ensonga eri ku ffe oba tunaatwala mukutu *guno,* okukikkiriza; oba tunaatwala mukutu *guno*, obutakikkiriza. Kati, waliwo engeri emu yokka gye tusobola okuyingiramu mu Kubeerawo kwa Katonda.

16 Kati, omwana ono, alabika obulungi, maama we y'omu ku bawala abaali mikwano gyange. Nze, bannange. . .Ha, yali omu ku bawala mikwano gyange. Yali muwala omuto omulungi, eyakuzibwa mu maka ag'enzikiriza ey'Abanazaleeni abakuukuutivu, nga muwala mulungi nnyo. Era alina omwami omulungi. Era, naye mmumanyi, bulungi nnyo, omuvubuka eyamuwasa. Era ya. . .Abaana abo baababakuliza mu kuweereza

Mukama, era ne babatwala mu ssomero. Era baali baasimbira ddala emmizi mu Kristo, obutabaako bintu bikyamu byonna bye bakola. Naye yeesanga abikoze.

17 Mbadde ndi awo mpummuddemu, nga ni. . .ŋŋenze okwetoolooza nti amaaso mu ddakiika ntono ezaakayita, ne ndaba omulenzi omuto, ekintu kye kimu kyennyini, gwe kyatuukako. Era ku. . .Waliwo ekiro ekimu lwe twagenda, ew'Ow'oluganda Wright, era Orville yali—yali takyategeererako ddala yadde. Era ye, mumanyi, bwe yagezaako n'okungoba nfulume ennyumba; ate nga nze ne Orville tuli bamikwano nnyo, kyenkana nninga kitaawe. Nze nnagatta, kitaawe ne nnyina, mu bufumbo. Naye yambuukira n'aleekaana nga bw'aŋŋamba nti, "Vva wano! Vva wano! Vva wano!" Mukiraba?

18 Kaakati, kye twalina okukola mu kaseera ako kwe kuyingira mu mutendera ogw'omwoyo tukwate omwoyo gw'omuvubuka oyo. Mukiraba? Omutima gwe bambi gwali guyise mu nnyiike ennyingi ebitagambika. Yali muto, naye yali ayise mu bingi. Era twamukomyawo mirembe mu kifo w'alina okuba. Mukiraba? Mu nnaku ntono, yali—yali amaze okutereera.

19 Kati, ekyo kye kintu kye kimu ky'olina okukola ne ku nsonga nga eno. Nkirabyeko, era nkimanyi nti kituufu. Naye kati, mu. . .Mwenna kaakano mba—mbasaba musabe, Katonda a—annyambe nsobole okuzuula omuwala ono w'ali. Eyo yonna mu kifo gy'ali, nga tamanyi na kumanya wa w'ali, mmukomyeewo mu kifo w'alina okuba. Ogwo omukutu gubaawo kuyita mu kukkiriza. Mukiraba, ye takyayinza kuba na kukkiriza ku lulwe. Tamanyi wa w'ali, yadde ekintu kyonna. Mukiraba? Kati wano ku—kulina kuba kukkiriza kwaffe.

20 Era kati, mu mukutu ogwo, amaanyi ago ag'okuzuukira kwa Kristo, mwe Yatuweera akakisa. Mu ogwo, ggwe, mu ngeri emu, Ekigambo kya Katonda mwe kifumitira omwonoonyi. Era Kirina okusukka okubuulira kw'Ekigambo nga bwe kibuulirwa. Y'ensonga lwaki nnayagadde okubaako ebitonotono bye njogera enkya ya leero nga ssinnasabira balwadde. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

21 Mujjukira okwolesebwa, ebbanga si ddene eriyise, Mukama kwe yampa, nga bwe mukumanyi, okukwata ku kulaba ku Ludda luli olulala? Mujjukira ku makya ago bwe nnali mpa obujulizi nga bwe nnalaba ebiri Emitali eri? Kati, ebyo byali bituufu.

22 Era aba magaziini y'*Eddoboozi* ly'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu baafulumya omuko gw'obujulizi obwo, ne bateekako ne wano eno ekifaananyi ku ddiba. Era mulimu akantu akaateekebwamu wansi wano omuko we gukoma, akatundu akatono wano eno ku ntobo, akoogera ku buweereza. Ate, nga luno lupapula lw'amawulire olw'ensi yonna olufulumizibwa mu nnimi nnyingi ez'enjawulo. Naye

baawaayo omuko ogusookerwako, n'ogusooka, okuwandiika ku kwolesebwa okwo. Mukiraba?

23 Era empapula ezo nzirina wano, era nnandyagadde mutwaleko lumu, mulusome. Era mufune. . . Saategedde, baaluganda bameka ababadde bagenda okubeera wano, enkya ya leero. Kale ggwe, bwe, bw'onaaba tofunye, kale, osobola okugenda ku woofiisi. Gyeziri ku woofiisi bazirina. Era baatukkiriza okubaako eziwerako ze tufuna, eziriko ebigamba nti: "Weeyongere okuwaguza." Mukiraba? Era ekyo kye kyokka ekiri mu mutima gwange. Ekintu kyokka kye mpulira, kiri nti, "Weeyongere okuwaguza." Oluba okusomoka oti o—omugga waliyo e—Ensi esinga eno. Kale leka tugende mu maaso n'okuwaguza okutuusa lwe tulisisinkana mu Nsi eyo.

24 Kati, ndowooza wano balinawo ekyetaago ky'okuwongayo omwana w'Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Stricker. Kale. . .

25 Kati oyo abeera waakumeka, Mwannyinaffe Stricker? [Mwannyinaffe Stricker addamu nti, "Waamukaaga."—Omuk.] Abaana abato mukaaga. Ago maka amalungi ennyo.

26 Era kati babadde. . . baali baminsani baffe eyo mu—mu Afirika, baakakomawo, gye buvuddeko. Era abaana baabwe bonna baana abalungi ennyo ddala. Era kati, n'ono ndaba, bamuleese enkya ya leero okumuwongayo.

27 Teddy ali ludda wa? Teddy, osobola okujjako wano ku nnanga, katono, mutabani? Kale—kale leka tuyimbe oluyimba lwaffe, akayimba, nga bwe mumanyi, akayimba ako, nzikiriza, ke tuyimba akagamba nti, *Mubayingize Munda*. Si keeko? "Mubayingize munda mubajjeyo mu nsi y'ekibi."

28 Era ekyo, ensonga lwaki tukuba oluyimba luno, eri nti ffe, mu byonna bye tusobola okukola, nga abazadde, kwe kubaleeta bawongebweyo. Tubawongayo eri Mukama era ne tubayingiza munda nga bakyali bawere, baleme okuwaba okugenda mu nsi eyo ey'ekibi. *Mubayingize Munda*. Leka tu. . . Olumanyi, Teddy? Kaakano leka tuyimbeko ekitundu kyalwo kimu.

> Mubayingize munda, mubayingize munda,
> Mubayingize munda mubajjeyo mu nsi y'ekibi;
> Mubayingize. . .

Bwe wabaayo omulala, naye, mumuleete.

> Muleete abato abo eri Yesu.

> Mubayingize munda, mubayingize munda,
> Mubayingize munda, mubajjeyo mu nsi y'ekibi;
> Mubayingize munda, mubayingize munda,
> Mubaleete abo abaabula eri Yesu.

29 Ow'oluganda Stricker ne Mwannyinaffe Stricker, mmanyi mutegeera oluyimba olwo kye lutegeeza, okubaleeta "okubayingiza munda," emitima gyammwe gijjudde

okuyaayaana, okugezaako okuleeta abaabula eri Yesu. Omwana wammwe omuto, ne bwe yandifudde nga tannawongebwayo, oba ekirala kyonna, mu buli ngeri, yandirokoleddwa, kubanga ekyo Omusaayi gwa Yesu Kristo gwakikola e Kalivaaliyo. Naye olw'okujjukira olugendo Lwe olukulu ku nsi, bwe Yateeka emikono Gye ku baana abato n'agamba nti, "Mubaleke bajje Gyendi," eyo y'ensonga lwaki muleeta omwana enkya ya leero. Era ne mututeekamu obwesige, nti tunaayinza okusaba essaala ey'okukkiriza, ku lw'omwana ono omuto, okuwongayo obulamu bwe eri Katonda.

30 Erinnya lye y'ani? [Taata w'omwana addamu nti, "Marilyn Madge Stricker."—Omuk.] Marilyn Madge, Marilyn Madge Stricker. Wa bbanga ki? [Maama w'omwana addamu nti, "Wa myezi kkumi n'esatu."] Wa myezi kkumi n'esatu. Yazaalibwa mu Afirika, si bwe kiri? ["Weewaawo."] Kale, tusaba nti, bwe wanaabaawo olw'enkya, leka omwana ono abeere omuminsani erudda eyo, gye yazaalibwa. Kati—kati mwana alabika obulungi ddala. Osobola okujja, Ow'oluganda Neville?

31 Kati, Marilyn. O, bannange! Bulijjo njagala nnyo abaana bano abato. Omwana ono omuto talabika bulungi nnyo? Oli otya? Oli otya? Leka tukoteke emitwe gyaffe. Njagala, mumuteekeko emikono gyammwe.

32 Kitaffe ow'omu Ggulu, tuleeta gy'Oli omwana ono omuto Marilyn Madge Stricker, omwana ono omulungi ennyo eyazaalibwa mu kubuulira enjiri, nga olutalo lunyiinyiitidde. Nkusaba Owe omwana ono omukisa. Mu Bayibuli, baakuleetera abaana abato nga ono. N'obassaako emikono Gyo n'obawa omukisa, n'ogamba nti, "Muleke abaana abato bajje Gyendi, so temubagaana; kubanga abali nga abo Obwakabaka obw'omu Ggulu bwe bwabwe."

33 Maama we ne taata we bamutadde mu mikono gyaffe, olwa leero. Naffe, olw'okukkiriza, twambuka amadaala, waggulu, era tumuteeka mu mikono Gyo, olw'okukkiriza. Wa omukisa obulamu bwe. Muwangaaze, ayi Mukama. Tusaba abeere mwana wa Katonda. Tusaba akuweereze n'obulamu bwe bwonna, buli musiwa gwonna ogw'obulamu bwe, abeere muweereza wa Kristo. Kikkirize, ayi Kitaffe. Wa omukisa kitaawe ne nnyina, ne bannyina ne baganda be. Era, tusaba nabo bakule, babeere famire ennungi ey'okuweereza Katonda.

34 Kitaffe, tuwaayo omuto Marilyn gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'obulamu obw'okuweereza. Muwe omukisa, wamu ne kitaawe, ne nnyina, n'ab'eŋŋanda be. Era tusaba bawangaale, mu bulamu obujjudde essanyu nga bakuweereza. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

35 Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Stricker. Katonda akuwe omukisa. Emikisa gibeere ku mukazi ono omuto alabika obulungi.

Weebale, Teddy, muvubuka.

36 Njagala nnyo abaana abato. Mmwe temubaagala?

37 Bameka abatawuliranga ku kwolesebwa Mukama kwe yampa? Muyimuse emikono gyammwe tugirabe, nga tokuwulirangako. Ow'oluganda Neville, akatabo ko ako okalina awo, oba oli awo, ndowooza osobola okukubasomera mu kaseera kano kennyini, mu ddakiika nga emu oba bbiri. Nzikiriza ki . . . Mu kaseera kano kennyini, bw'oba osobola.

38 [Ow'oluganda Neville asoma ebyali mu magaziini y'*Eddoboozi ly'Abasajja abakkiririza mu Njiri Enzijuvu* eyafuluma mu Febulwali, 1961—Omuk.]

> [Luli ku makya nnali ngalamidde ku kitanda kyange. Nnali nnakazuukuka okuva mu tulo, ne nteeka emikono gyange emabega w'omutwe gwange ne mpummulamu nga omutwe gwange nguwummuzza ku katto. Ne ntanula okwewuunaganya nga nneebuuza ku butya bwe kiriba ku Ludda luli. Nnakizuula nti nsussizza amakkati g'emyaka gyange gye nnina okuwangaala ku nsi kuno singa mba wa kuwangaala ne ntuuka ku myaka gy'abantu bange, ne njagala nneeyongere mbeeko ebirala bye nkolera Mukama nga sinnava mu bulamu buno.]
>
> [Nnawulira Eddoboozi nga liŋŋamba nti: "Otandika butandisi! Genda mu maaso n'okuwaguza mu lutalo! Weeyongere okuwaguza!" Bwe nnali nkyali awo nga ngalamidde nfumiitiriza ku bigambo ebyo, mu nze nnalowooooza nti Eddoboozi eryo nditeeberezza buteerebereza nti ndiwulidde. Eddoboozi kye lyava liddamu ne liŋŋamba nti: "Genda mu maaso n'olutalo! Weeyongere mu maaso! Weeyongere mu maaso!" Era nga sinnaba kukikkiriza, mu nze nnalowooza nti ob'olyawo ebigambo ebyo nze kennyini nze mbyogedde. Nnaluma emimwa gyange ne nteeka omukono gwange ku mumwa gwange ne mpuliriza. Eddoboozi ne liddamu nate era ne liŋŋamba nti: "Genda bugenzi mu maaso n'okulwana! Ssinga obadde omanyi ekiri ku nkomerero y'olugendo!" Ne mba nga awulira okuyimba wamu n'ebigambo by'oluyimba olw'edda, lwe mmanyi obulungi:]
>
> > [Nnumwa omwoyo okudda eka era ndi muwuubaavu, mpulira njagala kulaba Yesu,]
> > [Njagala kuwulira ku bide biri ebivuga obulungi eby'oku lubalama nga bivuga,]
> > [Kijja kutangaaza ekkubo lyange era kijja kuggyawo okutya kwonna;]
> > [Ayi Mukama, nzikiriza ndabeko ebusukka-ggigi w'ebiseera.]

[Awo Eddoboozi ne limbuuza nti: “Wandyagadde okulabako ebusukka-ggigi?” Ne nnyanukula ne ŋŋamba nti: “Kijja kunnyamba nnyo!”]

[Ekyabaawo nange sikimanyi. Oba nnali mu mubiri oba saali mu mubiri, oba kwali kuwaanyisibwa, simanyi, naye kyali kyawukana ku kwolesebwa okulala kwonna kwe nnali nfunye. Nnali nsobola okulaba ekifo gye nnali ntwaliddwa ate nga nsobola okweraba nga ngalamidde ku kitanda kyange. Ne ŋŋamba nti: “Kino kintu ekyewuunyisa!”]

[Waaliwo enkuyanja y’abantu era bajja badduka okujja okunnamusa, nga bwe boogerera waggulu nti: “O, muganda waffe omwagalwa!” Waasooka ne wajja abakazi abato, nga bali awo nga mu myaka amakumi abiri, era bwe baali bangwa mu kifuba baagambanga kimu nti: “Mwannyinaffe omwagalwa!” Abavubuka, mu kwakaayakana kw’abasajja abato abajjudde embavu, nga balina amaaso agaakayakana nga emmunyeenye ezaakira mu kiro ekikutte enzikiza, nga balina amannyo agatukula nga luulu, ne bangwa mu kifuba, nga bwe bagamba nti, “Muganda waffe omwagalwa.”]

[Ŋŋenda okwetegereza, nga nange, nnali nzize buto. Ne nneetunuulira nga ndi eyo ate ne nkyuka ne ntunuulira omubiri gwange omukadde nga ngalamidde ku kitanda nga emikono gyange ngitadde emabega w’omutwe gwange. Ne ŋŋamba nti: “Kino ssikitegeera!”]

[Mba ngezaako okutegeera ekifo we nnali, ne ntanula okukitegeera nti eri teri lwa jjo era teri lwa nkya. Tewali n’omu yalabika nga akooye. Nnamungi w’abakyala abasinga okulabika obulungi be nnali ndabye bwe baali banneebulunguluza emikono gyabwe, nnakizuula nti waaliyo kwagala okukulu kwokka okwampuniikiriza era tewaali kusikiriza kwa mubiri nga bwe kiri mu nneeyisa ey’obuntu. Nnakiraba nti abakazi bano abato bonna baalina enviiri zaabwe nga mpanvu zituuka mu kiwato nga n’engoye zaabwe mpanvu zituuka ku bigere byabwe.]

[Oluvannyuma lwa kino, Hope, mukyala wange eyasooka, n’angwa mu kifuba, n’aŋŋamba nti: “Mwannyinaze omwagalwa!” N’omukazi omulala omuto naye n’angwa mu kifuba ne Hope n’akyuka n’agwa mu kifuba ky’omukazi oyo omuto. Ne ŋŋamba nti: “Kino ssikitegeera. Kino kyawukanira ddala n’okwagala kwaffe okw’obuntu. Ssaagala kuddayo mu mubiri guli oguli ku kitanda.”]

[Awo Eddoboozi ne lyogera nange ne liŋŋamba nti: “Kino ky’obaddenga obuulira Omwoyo Omutukuvu ky’ali! Kuno kwe kwagala okutuukiridde. Tewali kiyinza kuyingira Wano nga tekikulina!”]

[Ekyaddako ne ntwalibwa waggulu ne ntuuzibwa mu kifo ekiri waggulu. Nga nneetooloddwa nnamungi w'abasajja n'abakazi abali mu myaka egy'ekivubuka. Baali bakaaba, olw'essanyu nga bagamba nti: "O, muganda waffe omwagalwa, tusanyuse nnyo okukulaba wano!" Mu nze kye nnava ŋŋamba nti: "Siroota, kubanga nsobola okulaba abantu bano, era nsobola okulaba omubiri gwange nga gugalamidde eri ku kitanda."]

[Eddoboozi ne lyogera nange ne liŋŋamba nti: "Okimanyi nti kyawandiikibwa mu Bayibuli nti bannabbi baakuŋŋaana wamu n'abantu baabwe." Ne ŋŋamba nti: "Weewaawo ekyo nkijjukira mu Byawandiikibwa, naye ba Branham si bangi bwe bati." Eddoboozi ne linnyanukula ne ligamba nti: "Bano si ba Branham. Bano be bantu be wabuulira enjiri ne bakyuka, abo be wakulembera okubaleeta eri Mukama. Abamu ku bakazi bano b'olowooza nti bakyali bato nnyo era balabika bulungi baali basussa mu myaka ekyenda we wabakulemberera okubaleeta eri Mukama. Ky'ova olaba boogerera waggulu nga bagamba nti, 'Mwannyinaze omwagalwa!'" Awo enkuyanja y'abantu bonna ne boogerera wamu ne bagamba nti: "Singa tewagenda kubuulira Njiri, tetwandibadde wano!"]

[Ne mbuuza nti: "O, Yesu ali ludda wa? Njagala kumulaba!" Abantu ne banziramu nti: "Ali wagguluko okuva wano. Lumu Alijja gy'oli. Watumibwa nga mukulembeze, era Katonda bw'alijja, alikusalira omusango okusinziira ku njigiriza yo." Kye nnava mbuuza nti: "Pawulo ne Peetero nabo balisalirwa omusango guno?" Okwanukulwa kwali nti: "Weewaawo!" Ne ŋŋamba nti, "Mbuulidde ebyo bye baabuulira. Ssaabivaako kukyamira ku ludda olumu yadde olulala. We baabatizanga mu Linnya lya Yesu, nange kye nnakola; we baayigirizanga Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nange kye nnakola. Buli kye baayigiriza, nange, kye nnayigiriza."]

["Ekyo tukimanyi," abantu ne boogerera waggulu, "era tukimanyi nti lumu tuliddayo naawe ku nsi. Yesu alijja n'akusalira omusango okusinziira ku Kigambo kye watubuulira. Era olitwanjula gy'Ali, era ffenna wamu tuliddayo ku nsi okubeera abalamu olubeerera." Ne mbuuza nti: "Kati, nnina okuddayo ku nsi?" Ne banziramu nti: "Weewaawo, naye weeyongere okulwana!"]

[Bwe nnatanula okuva mu kifo ekyo ekirungi, eky'essanyu, nga amaaso gange galengera yonna gye gaali gakoma okulaba, abantu baali bajja gyendi okungwa mu kifuba, nga bwe boogerera waggulu nti: "Muganda wange omwagalwa!"]

[Amangu ago ne nneesanga nga ndi ku kitanda nate. Ne ŋŋamba nti: “O, ayi Katonda, nnyamba! Toŋŋanyanga okwekkiriranya ku Kigambo. Leka nywerere ku Kigambo. Sifaayo oba omuntu omulala yenna akola ki, Mukama, nze leka nneeyongere okulwana ntuuke mu kifo ekyo ekirungi, era eky’essanyu!”]

[Ndi mumativu nnyo okusinga bwe kyali kibadde mu bulamu bwange nti oteekwa okuba n’okwagala okutuukiridde okusobola okuyingira mu kifo kiri. Tewaaliyo buggya, tewaaliyo kukoowa, tewaaliyo ndwadde, tewaaliyo kukaddiwa, tewaaliyo kufa. Waaliyo bulungi obusukkulumye wamu n’essanyu!]

[Buli kimu kyonna ky’okola, buli kimu kyonna ekirala kiteeke ku bbali okutuusa nga ofunye okwagala okutuukiridde! Otuuke w’osobolera okwagala buli omu, na buli mulabe. Si nsonga oba ennyonyi ziyuuzibwayuuzibwa, oba laddu emyansa, oba emmundu z’omulabe zikutunuddemu, ebintu bino tebiriimu kya nsonga: funa okwagala okutuukiridde!]

[Bw’oba obadde tolokokanga, kkiriza Yesu Kristo nga Omulokozi wo kaakano! Bw’oba obadde tobatizibwanga mu mazzi, batizibwa kaakano! Bw’oba obadde tofunanga Kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, kufune kati! Genda mu maaso olwane okutuuka lw’onotuuka mu kwagala okwo okutuukiridde okulikutwala mu kifo ekyo ekirungi era eky’essanyu ebusukka-ggigi w’ebiseera!]

39 Weebale, Ow’oluganda, olw’ekyo. Ekyo. . .Nnalowoozezza, nti oboly’awo, abamu ku mmwe munaasobola okukasoma. Era akatabo ako bw’oba obadde tokalina, ndowooza nti, kafune.

40 Kati ekirala, wansi awo awasemba ku muko, alina akantu ke yateekamu akakwata ku buweereza. Simanyi oba mukalabye oba nedda, kali wansi awo wennyini awasemba, nga omalirizza okusoma ebyo byonna. Wansi awo wennyini, waliwo ke baateekamu wansi awo wennyini awasemba. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

41 Kaakati, akatabo ako kyenkana kavvuunulwa mu buli lulimi wansi w’eggulu, mukiraba, o—okuba nti kasomebwa okwetooloola ensi yonna.

42 Kati, “Kiki—kiki. . .” kati, oyinza okumbuuza nti, “ebyo oyogedde byaki, Ow’oluganda Branham, nga tonnasabira balwadde?”

43 Mbyogedde lwa kino nti: tusobole okukimanya nti okufuba kwaffe si kwa bwereere. Mukiraba? Tuteekwa okugenda eri Katonda nga tuyita mu mukutu ogwo ogw’okwagala n’okukkiriza. Okukkiriza kwe kututwala eri omukutu. Okwagala kwe kutuyingiza. (Munsonyiweko.) [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

44 Kati, mulowooza Katonda asobola oku. . . Kati leka. . . Kati, okukkiriza kwo kulina we kutuuka, olowooza nti. . .? Kati oyinza kulowooza ki kati singa okufuba kwonna e. . . ekkuŋŋaaniro lino n'ebibinja by'abantu bino kwebataddemu, ku lw'Obwakabaka bwa Katonda? Wano waliwo bangi abawaddeyo eky'okulya ky'abaana bammwe, ku lw'Obwakabaka bwa Katonda. Wano waliwo bangi ababeerawo nga tebalina kya kwambala, ku lw'Obwakabaka bwa Katonda. Wano waliwo bangi abayita mu miyaga, ne batambula nga tebambadde ngatto mu bigere byabwe, okusobola okutuuka ku kkuŋŋaaniro wano, bwe kiri, ku lw'Obwakabaka bwa Katonda.

45 Oyinza okukubamu akafaananyi nga omusiizi w'ebifaananyi asiize ekifaananyi eky'ekitiibwa, ekirabika obulungi ennyo, okutuusa lwe kiwuniikiriza abakiraba, ate n'akiyuzaayuza? Omusiizi w'ebifaananyi oyo abaako ekikyamu. Oyinza okukubamu akafaananyi nga omuyiiya w'ennyimba awandiise oluyimba ne lutuuka okuba nti luwuniikiriza, ate bw'amala oluyimba lwe—lwe n'alukwata, n'aluyuzaayuza? Omuwandiisi w'ennyimba oyo abaako ekikyamu. Mukiraba? Katonda taliiko kikyamu kyonna. Katonda takola kintu nga kino, ate n'akikwata n'akiyuzaayuza n'akisuula eri. Akikola ku lwa Bwakabaka Bwe. Akikola ku lwa Kitiibwa Kye.

46 Buli omu ku ffe alina ekitundu ky'azannya mu kifaananyi kino ne mu luyimba luno. Tuli bitundu bya Bwakabaka bwa Katonda. Nga ekyo kitegeeza nti, tusobola okuzannya ebitundu byaffe, kasita tutegeera ebifo byaffe, mwe tulina okuba, era ne tusigala awo wennyini mu kifo ekyo. Era ekifo ekimu kye tumanyi, kwe kubeera mu kwagala, kubanga okwo kwe kukola ekifaananyi.

47 Kati, kibeera kizibu bw'olaba okwolesebwa nga kuno okutali kumu, n'ebirala, okutegeera ebiri—ebiri ku Ludda luli. Nyabula singa mbadde mbimanyi. Omusajja yataddewo akatundu kano wansi awo, okugamba nti bannabbi ab'edda, engeri gye baalabangamu okwolesebwa kuno, n'ebirala, n'engeri, leero, okusukkuluma ne ku. . . Tetuyinza kukitegeera, naye Mukama atukkirizza tukiyingiremu tulabe ne kye kiri.

48 Kati, ab'emikwano, nnali sseebase. Era nnali, wakati wammwe nange, n'ekkanisa eno wano, ssaali mu kwolesebwa. Okwolesebwa nkumanyi. Waliwo wano, kwe nnafuna, wiiki eyo eyaakayita, wiiki nga ziizo, kwajja emirundi nga amakumi asatu, mu kiro kimu, nga kubaawo. Osobola okuteebereza obuzito obukubaako. Weewaawo, kukuleetera okweraliikirira.

49 Watya singa ogenda bw'otyo mu lukuŋŋaana, nga obuvunaanyizibwa bwokka, oba olukuŋŋaana lutambula bulungi oba nedda, buli ku ggwe, obu—obuvunaanyizibwa bwokka? Nga olina okwanukula buli muweereza, buli kibuuzo, buli kimu. Oba olukuŋŋaana lutambula bulungi oba nedda,

obuvunaanyizibwa ne bukubaaako, omuntu omu. Laba ekyo kye kiyinza okukola.

50 Nga waliwo abamu ku be nkola nabo, abatunda obutunzi ebitabo, n'ebirala, naye ne beeraliikirira nnyo, ne badda n'eka, okiraba, ne bawummula, ne batajja ku kkanisa ku olwo akawungeezi. Bannange! Oh, kyamutawaana nnyo. Nga mukamwana wange, omuwala omuto omwagalwa Omukristaayo, Loyce. Olw'okugenda—obugenzi mu lukuŋŋaana, kyoka . . . Okumala wiiki munaana, oba wiiki musanvu, ez'omuddiriŋŋanwa bwe zityo, yalina okugalamira mu buliri okumala olunaku nga lumu oba bbiri, mukiraba, nga talina buvunaanyizibwa bwonna. Mukiraba? Billy, yalina gwa kugaba bugabi kaadi z'ab'okusabirwa, naye yenna n'ayenjebuka.

51 Naye, mulaba, obuzito bwonna buli ku nze. Nnina kwesigama ku mmwe okunsabira. Mukiraba? Nga oggyeko ekyo, bagamba nti—nti eddakiika amakumi abiri z'omala nga—ng'obuulira, wansi w'okufukibwako amafuta, zenkanankana n'essaawa munaana z'omala nga okola omulimu ogw'amaanyi, n'omubiri gwo. Kati mbuulira okumala essaawa nga bbiri oba ssatu buli kiro; oluusi emirundi esatu mu lunaku. Mukiraba?

52 Kati ate olwo okwolesebwa okw'omulundi ogumu? Okwolesebwa okw'omulundi ogumu kwanafuya Mukama waffe Yesu. Bwe kiri. Bayibuli egamba nti omukazi yakwata ku kyambalo Kye, n'Anafuwa. Kale, bwe kiba nti okwolesebwa okw'omulundi ogumu kwamunafuya, Ye, Omwana wa Katonda; ate olwo nze, omwonoonyi eyalokolebwa olw'ekisa, okwolesebwa okw'emirundi asatu mu kiro kimu kuyinza kumpisa kutya? Mukiraba? Kwa . . . Singa tusooka ne tuyimirira ne tulowooza, kisukka ku busobozi bwonna obw'omuntu. Omubiri gw'omuntu teguyinza kugumira kintu nga ekyo. Nnandibadde mu ddwaliro lya batabufu ba mitwe awantu awamu, nga nkuba omutwe gwange ku bisenge. Mukiraba? Ku—kukunafuya n'otuuka okuba nti tokyasobola . . . Bubeera bunafu obw'omunda, mukiraba, obuleetera omubiri gwo okuggweramu ddala amaanyi.

53 Kaakati, naye kiki ky'olina okuwaguza? Nnyinza okwogera kino. Nnengera Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Cox, wali eri, ne Rodney ne mukyala we, ne mwannyinaffe, wano, okuva erudda eri, abaakalokoka. Waliyo Ensi, emitala eyo awantu awamu, nti singa ogirowoozaako mu mutima gwo n'ofuna ekifaananyi kya Yo, Kye kintu ekisingirayo ddala okuba eky'ekitiibwa. Egwaana buli kufuba kwonna kwe tuteekamu. Mukiraba?

54 Kati, nga tetunnasabira balwadde, nnyinza okwogera kino:

55 Watya ssinga omwana omuwere, nga tannazaalibwa, okugeza, omwana omuwere abadde mu lubuto lwa maama, okumala emyezi gino omwenda, omwana oyo nga asobola okulowooza? Ne yeebuuza muli nti, "Naye omanyi? Baŋŋamba

nti nnaatera okuzaalibwa. Naye, nnaakola ki nga ntuuse erudda eyo? Ssirina kintu kirala kyonna kye mmanyi okujjako ekifo kino wano we mbeera. Amaanyi gange ngajja munda. Kati nnaabeerawo ntya bwe nnaatuukayo? Baŋŋamba mbu waliyo enjuba eyaka. Baŋŋamba mbu eyo abantu batambulatambula. Naye nze sirina kintu kirala kyonna kye mmanyi okujjako ekifo kino wano. Nze wano we wokka we mmanyi, wano wennyini mu—mu lubuto lwa mmange. Wano we nnakulira. Wano we wokka we mmanyi, wano mu lubuto luno. Naye baŋŋamba nti waliyo ebifo bingi okukamala!"

56 Kati, omwana oyo omuwere yanditidde nnyo, okuzaalibwa. Si bwe kiri? Yanditidde nnyo, okuba nti ajja mu kifo ky'atalina ky'akimanyiiko, ekisukkulumu, ekisukkulumye emirundi bukadde na bukadde bw'okigeraageranya, n'ekyo mw'abadde abeera. Yandibadde talina n'ekimu ky'akimanyiiko, era yandigambye nti, "Nnaayinza ntya, ŋŋenda kukola ki?" Yanditiiridde ddala, okuzaalibwa, naye ffe abali wano, era, olumu abaaliko munda eyo, tetwandyagadde n'akatono kuddayo munda eyo, tetwandyagadde kuddayo mu lubuto lwa maama nate. Mukiraba? Nedda, tetwandyagadde kukikola.

57 Kati bwe kityo bwe kiba bwe tuba tufa, mukwano gwange. Ai Katonda! Mukiraba? Obeera ozaalibwa okubaako Ekifo mw'oyingira. Tokibeerangamu. Toyinza kukitegeera, bukulu bwakyo. "Kiriba—kiriba kitya Eruuyi eyo? Nze. . . " Era ekintu kyokka ekindeetera okutegeera, oba ekikuleetera okutegeera, kwe kukomebwako okwo okutono okw'Obulamu, nga omwoyo bwe guyingira mu mwana mu lubuto lwa nnyina. Mukiraba? Ye ngeri yokka gye tusobola okutegeeramu Ensi eyo ey'ekitalo eri emitala eri, etaliimu bulwadde, etaliimu nnaku, etaliimu kufa, etaliimu kukaddiwa, etaliimu kintu kirala kyonna. Ha, bannange!

58 Kubanga, bw'ofuna akakisa n'otuukayo Eyo, toyinza kwagala kukomawo mu kifo nga kino, nga omwana omuwere bw'atayinza kwagala kudda mu lubuto lwa nnyina. Mukiraba? Kisingawo nnyo ku Ludda luli, mukiraba, erudda Eri. Tetusobola kukitegeera, weewaawo tetusobola, tetusobola. Kubanga, nga omwana oyo omuwere bw'atayinza kubaako kintu kyonna ky'alowooza, naffe bwe tutyo bwe tutayinza kutegeera kintu kyonna ku ebyo ebiribeera emitali Eri, mukiraba, kubanga tuli mu nda y'ensi, nga tulindiridde lumu okuzaalibwa, tuyingire mu Bwakabaka obuggya, mu Nsi empya.

59 Era bwentyo bwe mpulira ku kwolesebwa okwo n'ebintu bwe bityo, oba ekyo kyonna ekyantuukako ku olwo bwe nnasomoka ne ŋŋenda emitala, ku ludda luli, ne ndaba Ensi eyo ky'eri, ate oluvannyuma ne nkomawo wano.

60 Oyinza okukubamu akafaananyi nga oli mwana omuwere naye—naye nga—nga omanyi kye kitegeeza, ne bwe kiri

eky'ekitiibwa okutambula n'odda eno n'eri, n'olaba emiti nga gitojjera, n'ebinyonyi nga biyimba, n'enjuba nga eyaka, n'obulamu bwe buti, naye ate n'oba nga olina okukuumirwa mu lubuto? Eky'amazima, obeera toyagala kuddayo, n'akatono.

61 Kale, kati, naffe, okulowooza kwaffe—kwaffe kuyinza okusannyalala, ne tutabuka, oba okugezaako okulowooza ku biki ebiri erudda Eri. Ebyo, Ekyawandiikibwa bye kigamba nti, "Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawulirangako, n'okuyingira ebitayingiranga mu mutima gw'omuntu Katonda by'abaterekedde, mu tterekero, abo abamwagala." Mukiraba? N'olwekyo tukimanyi nti kya kitiibwa nnyo ku Ludda luli. Olunaku lumu, okufa, kye tuyita okufa, kulituwa Okuzaalibwa obuggya, era tuliyingira mu Nsi eri endala, ku Ludda luli.

62 Ow'oluganda George, toliba mukadde, wadde okubeera omulema, emitala Eri. Ne Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Spencer, n'abalala abalinga ffe abakaddiye, n'abalala bwe batyo, era tuliba bato eyo emirembe n'emirembe.

> Guno omuk. . .ekyambalo kino eky'omubiri ogw'ennyama ndikyesammula, ne nnyambuka
> Okukwata empeera ey'emirembe n'emirembe
> Ndeekaane, nga bwe mpita mu bbanga nga ŋŋamba nti,
> "Weeraba, weeraba, ggwe akaseera akalungi ak'okusaba!"

63 Mu kaseera ako, byonna biriba biwedde. Waliba tewakyali kukeesa budde nga tusaba, kuliba kukomye. Olwo tuyingire mu myaka egyo egy'obuto, nga tujjudde essanyu erudda Eri, si kumala mwaka gumu gwokka, oba emyaka amakumi ataano, oba emyaka kakadde, wabula ne bwe tulibeerayo Eyo okumala emyaka obuwumbi kikumi, tuliba tetunnatandika yadde. Bwe kiri. Kati lwaki tetusanyuka amakya ga leero? Lwaki tetujaguza? Lwaki tetukozesa kakisa ka buli kintu eky'ekitalo Katonda ky'atuwadde?

64 Tulina okuwonyezebwa okuva eri Katonda. Lwaki Yesu yakubibwa; kuyuza kifaananyi ky'ekyo ekyakolebwa, bagambe mbu, "Tewali kintu nga ekyo"? Yawaayo omubiri Gwe ne gukubibwa, okutuusa embirizi lwe zaalabika, kibeere nti, "Olw'emiggo Gye twawonyezebwa." Enkya ya leero, leka tuleme kuyuza kifaananyi ky'ekyo ekyakolebwa. Leka tukisembeze, tukikkirize.

65 Kaakano, ow'oluganda, na buli yenna agenda okusabirwa, mujje muyimirire wano ku wolutaali. Nga obubaka bwe bwayogeddwa, akaseera katono akaakayita, okuyita mu nnimi n'okuzivvuunula, nti tugenda kuteeka emikono ku balwadde tulabe emirimu gya Katonda egy'amaanyi.

66 Kati, muganda waffe, teweetaaga kuyimirira, ow'oluganda, ggwe agalamidde ku katanda. Tujja kujja awo w'oli.

67 Naye bwe wabaawo abalala abali wano abeetaaga okusabirwa, abaagala okuyimirira wano ku wolutaali, nga ow'oluganda nange bwe tusaba n'okuteeka emikono ku balwadde, mujje mu kaseera kano. Kati mujjukire, musembeze ekifaananyi ky'ekyo ekyakolebwa nti, "Olw'emiggo Gye twawonyezebwa."

68 "Naye sikitegeera, Mukama." Kituufu, tokitegeera. Okyali mu lubuto lwa nsi.

69 Naye Yakola enteekateeka ezo. Era Yali tasobola ku. . . Lwaki Yakubibwa? Yakubibwa ate amale ayuzeeyuze ekifaananyi, oba ayuzeeyuze oluyimba lw'awandiise, alusuule eri? Nedda, ssebo. Yakubibwa, n'afumitibwa, n'atiiriika omusaayi, tusobole okuwonyezebwa. Era okuyita mu ekyo, ffe, "Olw'emiggo Gye, tuwonyezebwa," buli omu ku ffe. Kati, nga bwe mujja, nga mukuŋŋaana ku wolutaali okusabirwa.

70 Kati, waliwo enjiri y'Amerika eno ey'akajanja ekyase ennyo, abakugamba mbu, "Olina okukola *kino*, kola *kiri*."

71 Waliwo ekintu kimu kye njagala okuba omwesimbu gy'oli, mukwano gwange. Ekituufu kiri nti, engeri Katonda gy'awonyaamu, kisinziira ku kuba nti onaamuweereza. Okiraba? Kisinziira ku kuba nti onaamuweereza. Tuteekwa okukkiriza okuwonyezebwa kwaffe nga tusinziira ku musingi, ogw'okuba nti, tujja kumuweereza bwe tunaawonyezebwa. Kati, Bayibuli egamba nti, "Mwatuliraganenga ensobi zammwe. Musabiragane, musobole okuwonyezebwa." Mukiraba? Kiri ku musingi, ogw'okuba nti ojja kuweereza Katonda. Bangi ku mmwe abali wano, ob'olyawo, mutuuse mu mbeera ey'okufa, era mu—muteekwa okufa singa tewabaawo kikolebwa. Kale njagala ggwe, mu mutima gwo. . .

72 Kati, tusobola okukusiiga amafuta, tusobola okukusabira, nze wamu n'omusumba, ne tusaba okusaba okw'okukkiriza, ne tukola buli kimu kye tusobola, naye tebiggya kukuyamba okutuusa nga ggwe kennyini oyingidde mu kussa ekimu ne Kristo. Okiraba? Oteekwa okujja mu kussa ekimu okwo, nti, "Nze, ayi Mukama. . . "

73 Waliwo o—o—omukyala omuto gwe nnengera atambula kaakano. Yajja wano, ebbanga si ddene eriyise n'ajja mu nnyumba, nga alina ekintu ekiringa ekizimba, oba endwadde ya Hodgkin. Era wa nzikiriza, y'Abamesodisiti. Ndowooza bwe kiri, si bwe kiri, mwannyinaffe? Era yalina ekizimba ekinene mu mbiriizi. Naye kati wuuyo, yawonyezebwa.

74 Ndaba Mwannyinaffe Weaver ayimiridde wano, yali omu ku bantu abaalina kookolo omubi ennyo gwe nnali ndabye, mu bulamu bwange bwonna. Era ekintu kye nnasooka okumubuuza kyali nti, yandyagadde okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo

yeenenye ebibi bye. Bwe nnamutwala mu mazzi gano wano, nnalina okumuwanirira; yali mukovvu nnyo, nga obukono bwe, butono nnyo. Era yabatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Era waakayitawo emyaka nga kkumi ekyo kasookedde kibaawo, si bwe kiri, mwannyinaffe? [Mwannyinaffe Weaver addamu nti, "Nedda. Waakayitawo emyaka kkumi na mukaaga."—Omuk.] Waakayitawo emyaka kkumi na mukaaga. Emyaka kkumi na mukaaga egy'obulamu, kubanga yali mwetegefu okugonda. Nga abasawo abasingirayo ddala okuba abalungi okuva wano . . .

75 Kati, kino dokita we yennyini ye yakiŋŋamba. Bwe, nnamugamba—nnamugamba, nti, "Awonyezeddwa."

76 N'agamba nti, "Ha, ha! Mu wiiki ntono, kookolo agenda kumutta. Ekyo tokyeraliikirira. Ajja kufa. Mu wiiki ntono okuva kati, ajja kuba mufu." Ate nga yali yamuwadde dda olunaku nga lumu lwokka nga amaze okufa. Naye olwa leero, wuuno wano, oluvannyuma lw'emyaka kkumi na mukaaga, ayimiridde ku wolutaali. Nga waliwo ebirala nkumu bye nnyinza okwogera, ebizze bibaawo, emirundi n'emirundi!

77 Kati, ekyo Katonda takikolerako omu ku baana Be, ate abalala n'atakibakolera. Akikolera abaana Be bonna. "Buli ayagala leka ajje." Ki . . . Oyanirizibwa okugenda gy'Ali. Kati, "Okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde." Ekyo Bayibuli ky'egamba.

78 Kati—kati, ssinga . . . kye njagala mukole, kiri nti mwatule ensobi zammwe eri Katonda, mugambe nti, "Ayi Mukama, mponya." Bwe muba mubadde temulokokanga, muweeyo emitima gyammwe eri Kristo. Era bw'oba obadde tobatizibwanga, mu mazzi, mu Linnya lya Yesu Kristo, ekidiba weekiri kitegekeddwa. Mukiraba?

79 Era omukyala ono abeera ebusukka kkubo wano; ataali mukkiriza oli bwe yalokoka olw'ekyo ekyabaawo. Bwe yali agalamidde . . . Baamusiibula okuva mu ddwaliro lya Silvercrest, bwe yali omulwadde w'akafuba, nga agenda kufa. Era bwe nnagendayo, Mukama n'ampa okwolesebwa, n'agamba nti, "Agenda kuwonyezebwa."

80 Mw. Andrews n'ansangayo, enkeera ku makya, n'ankaayuukira. N'agamba nti, "N'owa mukazi oyo, essuubi ery'obulimba bwe lityo!"

81 Ne mmugamba nti, "Mw. Andrews, si ssuubi lya bulimba. Omukazi oyo Mukristaayo. Era bw'anaafunamu ku maanyi, agenda kujja abatizibwe."

82 N'agamba nti, "Agenda kufa." N'ambuuza nti, "Nze . . . Ab'eddwaliro lya Silvercrest bayinza batya okumusiibula?"

83 Ne mmugamba nti, "Ssebo, ggwe otunuulira, otunuulira . . . By'otunuulira, otunuulira ebyo omusawo by'ayogera. Nze ntunuulidde ekyo Katonda kye yayogera." Mukiraba?

84 Kati, awo we wali enjawulo, ku kiki ky'otunuulira. Mukiraba? Bw'otunuulira ekyo omusawo ky'agamba, mazima ddala ojja kufa. Naye olina kutunuulira Katonda kye yayogera. Onaatwala kigambo ky'ani?

85 Watya singa Ibulayimu yatwala endowooza y'omusawo ey'okuba nti yali wa myaka kikumi, nga agenda kuzaala omwana mu mukazi we, ow'emyaka ekyenda? Kati awo yandikoze ki? Mukiraba? Kubanga, omusawo yandigambye nti, "Omusajja agudde eddalu." Naye Katonda yakimubalira okubeera obutuukirivu, kubanga yakkiriza Katonda. Mukiraba? Kati, ggwe . . .

86 Kale omukazi yawonyezebwa n'aba mulamu. Naye bwe yagayaalirira okubatizibwa, mu Linnya lya Yesu Kristo, kubanga ndowooza yali Mumesodisiti oba Mupulesibiteriyani. N'atandika okugenda nga yeeyongera okulwalira ddala n'okuba obubi. N'ajja n'atwala Grace Weber, eyabeeranga, manyanga, ne leero akyabeerawo, muwala we y'abeerawo, n'ayambalo engoye ez'okubatirizibwamu, n'ajja wano, n'abatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo, nga alumwa omusujja, nga yenna ajjudde ebizimba ku bibegabega bye na buli wamu, nga alina omusujja, gwa bbugumu eriri mu kikumi mu nnya. N'abatizibwa wano wennyini, mu Linnya lya Yesu Kristo. Era abeera busukka kkubo okuva wano. Yandiba nga ne we twogerera atudde wano kati. Nnatunuddetunudde okulaba oba nga nnyinza okumulaba, eddakiika ntono eziyise. Mukiraba? Okugonda, mukiraba.

87 Si kumala gagenda nga . . . Ssikkiriziganya n'abamu ku baganda baffe, abamala gagenda nga bateeka emikono ku *ono*, n'*oli*, *n'oli*, bwe batyo, nga bwe bagamba nga okukkiriza okw'akajanja bwe kunaakikola. Okwo si kwe kikikola. Oteekwa okuba n'okukkiriza okwa nnamaddala, okunywevu, okwa Bayibuli, okw'Omwoyo Omutukuvu. Mukiraba? Okwo si kwe kukikola, tekujja kubeerera. Okwo tekubeerera.

88 Eyo y'ensonga lwaki nsobola okwebaza Mukama kubanga akyannyambye. O—o—okuwonyezebwa okw'enjawulo okuzze kubaawo kubadde kwa nnamaddala, kubanga mu mazima kuba kuzimbiddwa ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukiraba? N'olwekyo kujja kusigalawo.

89 Kati—kaakati, nga abato aba Ssande sukuulu, mbadde nkyalinzeeko okumala akaseera katono, nga bwe njogera gye muli, okutuusa nga bamaze okutuula mu bifo byabwe, ne bakkalira, tusobole okusiriikirira. Tusigazza eddakiika ntono ddala, tusabe, tutandike okusaba.

90 Kati, njagala buli omu ku mmwe oyatule ebibi byo eri Katonda, era osuubize Katonda nti ogenda kumuweereza era okole buli kimu kyonna ekisoboka. Era nze wamu n'omusumba wamu tugenda kusaba, era tugenda kukuteekako emikono, kale beera mukakafu nti ogenda kuwonyezebwa bw'oba okikkiriza.

91 Abantu bali abaali batambulira ku miggo gy'abalema, ne bakiggala, ne bakasiru, n'abazibe b'amaaso, olw'eggulo lwa Ssande eyayita, baayinza batya okujja obuzzi ku kituuti, ne basuula eri emiggo gyabwe; ne bajja ku kituuti, amaaso ne gazibuka, nga bwe mwalaba, bwe gatyo? Ebikumi n'ebikumi! Okutuusa nti, nnanafuwa nnyo, kyenkana baalina kunsitula busituzi okunzijawo, we nnali nnyimiridde, nga bwe bajja bayitawo. Mukiraba? Olunyiriri lw'abantu olwali luva wano ne lutuuka nga ku ssomero lya Jeffersonville High School, kyenkana, nga basimbye olunyiriri, bwe bajja okuyita mu lunyiriri. Era simanyi oba waliwo n'omu ku bo, eyayita mu lunyiriri, ataawonyezebwa. Mukiraba? Kubanga bajja beesigamye ku kukkiriza kwennyini, okwa nnamaddala okw'Ekikristaayo era nga bakkiriza. Ba . . . Kirina okubaawo.

Kati mukoteke emitwe gyamwe, buli omu ku mmwe, munnyambe tubasabire.

92 Ayi Mukama Yesu, tuleeta gy'Oli, enkya ya leero, ekibiina ky'abaana bano abayimiridde wano, nga balindiridde, abalwadde, abanyigirizibwa, n'ababonyabonyezebwa. Bangi ku bo, tebakyalina ssuubi lyonna, lya kuwonyezebwa basawo, ayi Mukama, naddala omusajja ono agalamidde wano ku katanda kano. Kirina kuba kisa Kyo ekitali ekyo mu nnaku ntono ateekwa okuva mu nsi. Era awatali kubuusabuusa, wayinza okubaawo bangi abayimiridde wano ku wolutaali, nga endwadde z'emitima zibalindiridde, n'ennyimbe, n'okunyigirizibwa okusobola okubasaanyawo.

93 Waliwo ekintu kimu kyokka, ayi Kitaffe, ekisobola okubalokola, nga, kwe kugenda ne tusukka obusimu obutaano obw'omubiri guno, awatali kubuusabuusa, abasawo mwe bagezezzaako n'obwesigwa, okutaasa obulamu bwabwe; endwadde, kookolo, akafuba, obulwadde bw'omutima. Naye mu kubaddaabiriza kwonna, n'okubateekamu obuseke, n'ebikozesebwa ebya buli ngeri, ne—ne—n'eddagala erirwanyisa obuwuka obuleeta endwadde, omulabe amaliridde okutwala obulamu bwabwe.

94 Era nzikiriza, ayi Mukama, nti, mbalaze ekkubo Lyo. Era mpulidde omusajja nga ayogera mu nnimi enkya ya leero, n'awa n'okuvvunula kwa zo, n'ategeeza ebigenda okubaawo olwa leero. Abamu ku bo, mazima ddala bagenda kukifuna, ayi Mukama. Bwe kiri. Nkikkiriza.

95 Era kati, nga bwe kyawandiikibwa mu Bayibuli, nti Dawudi, omulenzi omuto omulunzi w'endiga, yali alunda endiga za kitaawe, ebweru eyo mu ddungu. Lumu empologoma n'ejja n'ekwata akamu ku buliga bwa kitaawe, n'ekatwala. Kati omulenzi oyo omulunzi w'endiga, nga alina kukkiriza, yalina kiki ekyo kye yakozesa okulumba empologoma? Teyalina mmundu nnene ya mulembe wadde baasitoola.

Naye yalina envuumuulo entono, ne yeŋŋanga empologoma eyo. Era empologoma eyo yagitta, endiga eyo n'agikomyawo. Eddubu ne lijja ne libaako akaliga ke lyasikula; ne yeŋŋanga eddubu eryo eryali lisobola okumutaagulataagula ne limumalawo. Naye teyalowooza ku bunene bwa ddubu, yadde amaanyi g'empologoma, oba emisinde gyayo, oba ku bunafu bw'envuumuulo ye.

96 Naye bwe yali ayimiridde mu maaso ga Sawulo kabaka, yagamba nti, "Omuddu wo yali alunda endiga za kitaawe, ne wajja empologoma n'esikulako emu, n'edduka. Ne ngyeŋŋanga endiga eyo ne ngikomyawo." Yagamba nti, "Katonda y'omu eyannunula okuva mu mukono, manya mu maala g'eddubu eryo, oba mu mannyo g'empologoma eyo, n'Omufirisuuti ono atali mukomole asobola okumumpa mu ngalo zange."

97 Tumanyi bulungi n'ebyabaawo, bwe yatta; yatta omusajja eyali amusinga obunene, nga amukubisaamu emirundi mingi, ate nga mulwanyi nnamige. Nga kyasoomooza nnyo Sawulo, kabaka oyo, ow'amaanyi, omuzira, engeri omulenzi oyo gye yasobola okuba n'okukkiriza okwenkanidde awo mu nvumuulo. Nedda, teyakulina mu nvuumuulo, wabula yakulina mu Katonda.

98 Kaakano, ayi Mukama, ku wolutaali eno wano, waliwo abayimiriddewo, ne ku katanda kano, wagalamiddewo endiga ya Katonda, n'abaana b'endiga, nga bwe tuyinza okubayita, endiga Ze. Baakwatibwa empologoma eyitibwa kookolo, n'eddubu eriyitibwa akafuba, n'endwadde endala ezaabakwata, ne zibasikula, ne zibataagulataagula. Ayi Mukama, nzi—nzija okubakimayo, n'envuumuulo entono eyitibwa okusaba okw'okukkiriza. Si ya maanyi nnyo, naye mmanyi by'ekoze. Era mmanyi nti akyali Katonda y'omu. Nzija okubakimayo, enkya ya leero, okubazza, ayi Mukama, awali omuddo omuto omulungi ogw'obulamu obulungi obweyagaza, awali amazzi amateefu ag'emirembe, okubatakkuluzaako okunyigirizibwa okwa buli ngeri, basobole okukukkiriza.

99 Era mbakimayo, nga nkozesa eky'okulwanyisa kye Watuwa okukozesa. "Okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde, ne Katonda anaamuyimusa. Bwe baba n'ekibi kyonna kye baakola, kinaabasonyiyibwa."

100 Era, Kitaffe, tugenda kaakano okweŋŋanga omulabe, okweŋŋanga empologoma, okweŋŋanga sse—ssetaani mu buli nkula yonna, eyitibwa kookolo, akafuba, kookolo wa Hodgkin ajja olw'okunafuwa kw'abasirikale b'omubiri, endwadde z'omutima, n'endwadde endala zonna. Tujja okumweŋŋanga, tukomyewo omwana gw'endiga guno mu Nnyumba ya Katonda. Mu Linnya lya Yesu Kristo tugenda, okukozesa envuumuulo eno gye Watuwa. Beera naffe, ayi Kitaffe, nga bwe tujja gy'Oli mu buwombeefu kaakano, mu Linnya lya Yesu.

101 Njagala musigale nga mukotese emitwe gyammwe. Era tujja okubasiiga amafuta, n'okuteeka emikono ku balwadde, era okusaba n'okukkiriza kunaawonya omulwadde. Buli Mukristayo yenna ali wano, lagiriza okukkiriza kwo eri olunyiriri lw'ab'okusabirwa luno.

[Olunyiriri lw'ab'okusabirwa lwamala eddakiika ssatu n'ekitundu, bingi ku bigambo Ow'oluganda Branham by'ayogera tebyatuka kuwulikika bulungi—Omuk.]

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Erinnya lya Yesu!

Erinnya lya Yesu Kristo!

Erinnya lya Yesu!

Kitaffe, nnenya ssetaani! . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Mu Linnya lya Yesu Kristo! . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Jangu okikkirize . . .?. . . era kijja kukolebwa! . . .?. . .

Mukama, Ggwe . . .?. . .

Katonda . . .?. . .

102 Mukama, Ggwe . . . Wawandiika omukisa. Oli Waaluganda lwaffe, Kristo! . . .?. . . Mu Linnya lya Yesu Kristo!

103 "Okusaba okw'okukkiriza kunaalokola omulwadde." Njagala Okimukolere. Mukomyewo nate eri okubeera omukazi omulamu obulungi! . . .?. . .

Erinnya lya Yesu Kristo, mukomyewo!

Mu Linnya lya Yesu Kristo, mukomyewo! . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo, nkomyawo mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, nkomyawo muganda wange! . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo! . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo! . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo! . . .?. . .

Tewakikola. Mukama akuwe omukisa!

Nkirumbagana, enkya ya leero! . . .?. . .

104 Mu Linnya lya Yesu Kristo, nkukomyawo, olw'okusaba okw'okukkiriza, okuva mu busibe! . . .?. . . Tugatta wamu okukkiriza kwaffe ku lwa bano . . .?. . .

Kkiriza bukkiriza;

Kaakano nga tukotese emitwe gyaffe. Kati:

Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza,

. . . biyinzika, kkiriza bukkiriza.

Ai Mukama, nzikiriza, Ai Mukama, nzikiriza,
Byonna biyinzika . . .

Kaakano leka tuyimuse emikono gyaffe.

. . . Mukama, nzikiriza;
Ai Mukama, nzikiriza; Mukama, nzikiriza,
Byonna biyinzika, ayi Mukama, nzikiriza.

105 Kitaffe ow'omu Ggulu, abo abasobodde okusituka, bayimusizza emikono gyabwe, nti bakikkirizza. Ow'oluganda ono abadde agalamidde ku katanda, asituse, okulaga nti akkirizza okuwonyezebwa kwe. Tukkiriza, ayi Mukama, nti kaakano batambula nga baddayo n'emirembe mu ddundiro ery'omuddo omuto, ku mabbali g'amazzi amateefu, okuba abalamu nate, okuyita mu Linnya lya Yesu. Tukwebaza olw'ekyo. Amiina.

106 Kale, Ow'oluganda Neville, ŋŋenda kutuula wano nkuwulirize nga bw'obuulira.

107 [Ku ntandikwa y'obubaka Ow'oluganda Branham yajulizza ku "katundu akaateekebwa mu ggulire" Ow'oluganda Thomas R. Nickel, Omukuŋŋaanya w'akatabo k'Eddoboozi ly'Abasajja abakkiririza mu Njiri Enzijuvu, ke yateeka ku muko ogusooka ogw'akatabo, akagamba bwe kati: "EBIKWATA KU KIFAANANYI EKIRI KU MUKO OGUSOOKA: Mu Nnaku za Bayibuli, waaliwo abasajja ba Katonda abaali bannabbi era abalabi. Naye mu Byawandiikibwa Ebitukuvu byonna, tewali n'omu ku bano yalina buweereza bwa maanyi kusinga bwa William Branham, nnabbi era omulabi owa Katonda, oyo nnanyini kifaananyi ekiteekeddwa ku muko ogusooka ogw'akatabo kano ak'Eddoboozi ly'Abasajja abakkiririza mu Njiri Enzijuvu. Branham Katonda amukozesezza, mu Linnya lya Yesu, okuzuukiza abafu!"—Omuk.]

61-0305 Ebusukka Ggigi Ly'Ebiseera
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky’obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky’awaka nga eky’omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky’okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky’okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw’ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org